# Ennyanjula ku nsalosalo ez’enkalakkalira ezisimbibwako ebirime.

Okutwalibwa kw’ettaka kye kimu ku nsonga ezitawaanya abantu mu nsi okusobola okufuna emmere.

Okubulwa ekifo walundibwa n’enkola y’okulima nga beeyambisa eddagala okugeza okulimisa ente, okusimba ekika ky’emmere ekimu n’obutaza buggya bisigalira okuva mu butonde kireka ettaka nga teribikiddwa. Embuyaga n’enkuba bivirako ettaka okutwalibwa era nga kino kikosa nnyo ennimiro eziri ku kaserengeto.

Okukendeeza ku kutwalibwa kw’ettaka

Ebikko n’ensalosalo z’enkola zezisinga okukozesebwa okuziyiza okutwalibwa kw’ettaka. Ebikko bikolebwa nga balima emifulejjo ku nsalo n’okutuuma ettaka ku ludda olw’olusozi wansi

Ensalosalo zigala okufaananamu ebikko. Era zizimbibwa ku lusalosalo nga baddamu batereza akaserengeto mu mitendera egy’enjawulo ebiseera ebisinga nga gya mayinja. Mukoka akendeezebwa n’ekimuwa akaseera okunyikira mu ttaka.

Omuddo gulina okusimbibwa ku nsalosalo okuva mu ntandiikwa.

Okuzimba ensalosalo ezisimbwako ebirime ez’enkalakkalira

Okusobola okuzimba ensalosalo ezisimbwako ebirime ez’enkalakkalira, emiti gisimbibwa naddala ku lusalosalo lwa kaserengeto. Singa emiti gikula ne giweza obuwanvu obwa mita ez’enjawulo , gisalibwa era ne giteekebwawo buwanvu mu makati g’ebikoleddwa okuva mu miti okusobola okufuna ekintu ekyawamu ekiwanvuyirivu n’ekitewesemu.

Mu kulonda emiti egisimbibwa oluvanyuma lw’okugisala, amatabi agasaliddwako gakola emirandira singa gaba gakonye ku ttaka era mu ngeri eno, omuti gwonna gujja kuba mulamu, mugimu ateera nga muggumu okusinzira ku mirandira.